Bukedde EMIZANNYO
VISION GROUP
NATIONAL PRIDE • GLOBAL EXCELLENCE
LWAKUNA NOVEMBER 19, 2025

# UGANDA CUBS EWANDUKIDDE MU MAANYI


Elvis Torach owa Uganda.

Bya HUSSEIN BUKENYA

**Mu World Cup e Qatar**
Uganda (3) 1-1 (5) Burkina Faso
Italy 3- 2 Uzbekistan

TTIIMU ya Uganda ey'abali wansi w'emyaka 17 (Cubs) ekoledde ebyafaayo mu World Cup e Qatar, yawandukidde mu maanyi eggulo.

Yakubiddwa Burkina Faso mu peneti oluvannyuma lw'eddakiika 90 okukomekkerezebwa nga buli omu alina ggoolo emu (1-1). Baabadde ku luzannya lwa ttiimu 16 nga balwana okwesogga 'quarter'.

Uganda ye yasoose okuteeba ng'eyita mu Arafat Nkoola bwe yasaze omupiira n'okugulu kwa ddyo ne gugenda butereevu mu katimba. Nga gumaze okunywa, Uganda yayongedde okunyigiriza n'ekola ennumba z'obulabe ezaatadde ekisenge kya Burkina Faso ku bunkenke kyokka nga ggoolokipa waayo (Burkina Faso) agiggwamu.

Mu ddakiika y'e 77, omuteebi wa Burkina Faso, Alassana Bagayogo yeemuludde ku bazibizi ba Uganda n'ayingira bookisi mwe yafunidde omupiira n'aguteeka ku kifuba ne gutereera bulungi n'agukuba okuyita ku ggoolokipa, Edrisa Waibi ne gukwata akatimba.

Mu ddakiika y'e 88, omutendesi wa Uganda, Brian Ssenyondo yatandise okukola enkyukakyuka mu ngeri eraga okwetegekera obunnya bwe yaggyeeyo omuwuwuttanyi Richard Okello okumusikiza Simon Wanyama. Mu ddakiika 7 ezaayongeddwaamu, Ssenyondo era yaggyeeyo Adrian Mukwanga ne Arafat Nkoola nayingiza Derrick Ssozi.

Nga baakayingira, waayise eddakiika mbale ddiifiri n'amala omupiira okugenda nu 'busaale'. Burkina Faso ye yasoose okunywesa olwo ne Abubakali Walusimbi n'ateebera Uganda. Obuzibu bwalabikidde ku peneti yaakusatu oluvannyuma lwa Derick Ssozi okugikuba waggulu ku muti ekyanyogozza abawagizi abangi abaabadde e Qaata ne bakwata ku mutwe.

Abdoul Ouedraogo yakubidde Burkina Faso eyookuna ne kapiteeni wa Uganda, Hamuza Sengooba n'ateeba eyookusatu ne bisigala mu kusabirira eya Burkina Faso eyookutaano bagikwate. Essaala ya Bannayuganda teyatuukiridde kuba Issouf Dabo yakubidde Burkina Faso eyookutaano eyamaze eggobe mu kibya.

Guno gwe mulundi ogwasoose ttiimu ya Uganda okuzannya mu World Cup n'egenda mu byafaayo. Burkina Faso yaakuzannya Yitale ku quarter oluvannyuma lw'okumegga Uzbekistan ku ggoolo 3-2 ku luzannya lwa ttiimu 16.